**Ennyanjula**

Enteekateeka ya south2south (South2south manifesto)yagunjibwawo mu lutuula lwa bannamikutu gya mpuliziganya omuli laadiyo, ttivvi n'empapula z'amawulire, okusala amagezi ku ngeri tekinologiya wa digito (digital technology) gyayinza okukozesebwamu okutumbula eddembe ly'obwogerero n'okumanya mu mawanga agomumaserengeta g'ensi (Global South)

Olutuula luno lwategekebwa DW Akademie(Germany) ne IAJ (South Africa) era nga lwakuŋŋaanya bannamawulire, abalwanirizi b'ebyamawulire n'abateesiteesi mu mikutu gy'empuliziganya okuva mu mawanga kkumi n'ana (14) okuteesa n'okukubaganya ebirowoozo.

Nga bayita munteeseganya, okukubaganya ebirowoozo n'emisomo egyakubirizibwanga, abakungu ekkumi n'abana baabaga empagi musanvu (7) ezineesigamwangako okusobola okutumbula eddembe ly'obwogerero n'okumanya (freedom of expression and information) era buli mpagi eteereddwako ebyo omuntu, ekibiina oba ekitongole bye kyandigoberedde nga kikozesa tekinologiya owa digital okulwanirira n'okutumbula eddembe ly'obwogerero n'okumanya

**ENTEEKATEEKA**

Twesowoddeyo okukozesa tekinologiya owa digito okulwanirira n' okutumbula eddembe ly'obwogerero n'okumanya era nga lino ddembe lya bwebange nga bwe kirambikibwa mu kawaayiro k'ekkumi n'omwenda mu tteeka ly'ekibiina ky'amawanga amagatte ely'eddembe ly'obuntu (Article 19 of the United Nations Universal Declaration of Human Rights)

Eddembe ly'obwogerero mu mawanga g'omu maserengeta g'ensi (Global South) lisoomoozeddwa nnyo abafuzi abatagoberera nfuga ya demokulasiya, okulinnyirirwa

kw'eddembe lyobuntu, obwavu, enguzi, okulondoolwa ab'obuyinza, obutafuna kumanya na kumanyisibwa ku bintu eby'enjawulo, obutafuna kusomesebwa ku nkozesa ya mikutu gya mpuliziganya n'emiwendo gya yintaneti n'e byempuliziganya egiri waggulu. Wabula tulina okukkiriza nti tekinologiya owa digito asobola okukozesebya mu ngeri envumbuzi, ezigoberera amateeka g'ekikugu, eziri ku musingi gwa demokulasiya, ezitasosola era ezikwasiza awamu okusobola okugonjoola ebizibu n'okulongoosa obulamu bw'abantu.

Tukkiriza nti okusobola okulwanirira n'okutumbula eddembe ly'obwogerero n'okumanya, abantu bonna kinnoomu, gavumenti ez'enjawulo, amawulire n'ebitongole ebirala biteekeddwa okuwa ekitiibwa n'okuteeka mu nkola ebiri mu mpagi z'enteekateeka ya south2south nga bategeka, nga bateekawo ne nga batandikawo pulojekiti ez'enjawulo nga beeyambisa tekinologiya  owa digito.

**Ekiwandiiko kino weekiri era kisobola okukubaganyizibwako ebirowoozo**

Enteekateeka yakolebwa mu lutuula lwa south2south Media Dialogue mu Cape Town, nga lwategekebwa DW Akademie ne IAJ, mu November 2014

Abawandiisi bakubiriza yenna akozesa enteekateeka ya south2south okugabana ekiwandiiko kino n'abalala, era n'okwenyigira mu kukyongerako

1. **ENTEGEKA**

Okugunjaawo entegeka empaangaazi ey'okussaawo n'okukuuma eddembe ly'obwogerero

**ebyandigobereddwa**

- Wekkaanye engeri eddembe ly'obwogerero gyerikwatibwamu, n'ab'obuyinza engeri gye bakwasisa amateeka.
- Teekawo enkolagana n'abantu oba ebitongole ebyewaayo okutumbula eddembe ly'obwogerero
- Geraageranya bulungi era okozese ebipimo ebituufu mu kussaawo n'olambika ebikoleddwa mu buli pulojekiti
- Funa era oyige enkozesa ya tekinologiya owa digito ow'enjawulo okusobola okugonjoola ebyetaago ebyenjawulo mu mbeera ezikyukakyuka.
- Beera mwerufu mu nsimbi ng'ogoberera enkozesa yaazo n'obukwakkulizo ebikkiriziganyiziddwako

2. **OKUKWATAGANYA**

   Kozeseza wamu tekinologiya wa digito n'empuliziganya ezaaliwo okuva edda okusobola okutumbula eddembe ly'obwogerero

**Ebyandigobereddwa**

- Wa ekitiibwa emikutu gyempuliziganya n'amawulire gy'osanze mukitundu era wekiba kisobose gikozese mu pulojekiti zo ez'enkozesa ya digito mu bitundu ebyo
- Yamba ebitundu ebikozesa tekinologiya wa digito mu ngeri gye bisinga okusobola
- Goberera enkola ya demokulasiya n'obwenkanya n'e ddembe ly'obwogerero
- Emikisa eri emikutu gy'eby'empuliziganya gigabe kyenkanyi "sooka olowooze ku muntu asembayo"
- Wa ekitiibwa obulamu bwa bulimuntu obwomunda era ensonga y'okwerinda mu nkozesa ya digito ogiteeke ku mwanjo.

## 3. OBUWANGAAZI

Teekawo enkola ezizimba okusobozesa byokola okuwangaala ate nga byetengeredde

**ebyandigobereddwa**

- Fuba okukola pulojekiti ezirina obukulembeze obw'abantu abangi
- Kwatagana n'abantu oba n'ebitongole ebivujjirizi by'ensimbi ebitaakukugire kwetengerera mu by'okola
- Funa emikutu egiwerako egiyingiza ensimbi okusobola kuwanirira pulojekiti zo okusukka ku bbanga abavujjirizi lye bageze
- Lowooza ku kufuna ensimbi okuviira ddala ku ntandikwa ya pulojekiti
- Wettanire emitimbagano gya yintanenti egikuwa ebyokukozesa ebitali bya kusasulira, n'ebibiina by'abakugu mu nkozesa ya kompyuta boosobola okwebuuzaako ku bwerere osobole okukendeeza ku nsaasaanya

## 4. OBULAMBULUKUFU

**Wanirira eddembe lyaffe ery'okumanya**

**Ebyandigobereddwa**

- Lwanirira eddenbe ly'okumanya n'obwerufu
- Tekawo emitendera emirambulukufu
- Buli omu musobozese okufuna n'okukozesa tekinologiya
- Somesa abantu ku nkozesa y'ebiwandiiko ebyenjawulo ng'oyita mu kaweefube n'okutendeka ku mutimbagano n'okuyita mu mikutu emirala
- Wa abantu ebikwata ku digito mu ng'oyita mu ngeri esinga okubanguyira

5. **Ebiwandiiko abantu bonna byebandyetaaze okumanya**

Saba, osengeke, weekenneenyeera ogabe ebiwandiiko mu ngeri buli omu gyasobola okubikozesezaamu ate era oyunge abantu ku kmanya kwe beetaaga

**Ebyandigobereddwa**

- Ebiwandiiko bifuule byangu kutegeera ng'obigonzaamu, ng'obinnyonnyola era ng'obiwaebyokulalbirako ebirabika
- Ebiwandiiko ebifuniddwa biwandiikemu emboozi ozifulumwe ERA OFUBE okuzisaasaanya
- Ebikwata ku digito bifuule byangu kuzuula nga okozesa ebigambo ebyangu okunoonya bw'oba obitereka olwo anoonya asobole okubizuula okubikozesa n'okubirongoosaamu amangu
- Beera muyiiya ng'osaasaanya ebiri mu biwandiko nga weeyambisa ebintu ebyenjawulo omuli amaloboozi, ebiwandiiko, ebifaananyi oba obutambi.
- Gunjaawo enkola ezisinga obulungi okukuyamba okufuna, okusengeka n'okwekenneenya ebiwandiiko.

6. **OKWENYIGIRAMU**

Kozesa enkola eya buli muntu okwenyigiramu okusobola okunnyikiza eddembe ly'obwogerero n'okumanya

**Ebyandigobereddwa**

- Abantu b'omubitundu ebigengereddwa bafuule basaale mukuteekateekera pulojekiti, mu kuteekawo, mu kukola ne mukulondoola ebikoleddwa mu pulojekiti eyo
- Kakasa nti embeera nnungi esobozesa abantu okwenyigiramu era nti buli omu asobola okweyogerera nga takugiddwa

- Kozesa ekola eziriwo, emikutu n'ebintu eburala okukubiriza n'okwagazisa abantu okwenyugramu
- Tendeka abantu mu nkozesa ya tekinologiya wa digito okusobozesa abantu bomukitundu okwongera okwenyigiramu
- Yamba okutumbula eddembe ly'okutandikawo emikutu gya digito (digital platforms) egy'abantu kinnomu
- Bannabyabufuzi n'abaweereza ba gavumenti banyigiremu era obabangule okumanya emirimu gyabwe n'ebibasuubirwamu mu bitundu byabwe

## 7. OKUGABANA AMAGEZI

Gabana n'abalina pulojekiti za digito mu magezi n'obukugu

**Ebyandigobereddwa**

- Gabana amagezi n'obukugu nga weeyambisa enkola n'emikutu egyenjawulo
- Tumbula enkozesa y'omutimbagano n'engeri endala ez'okugabana amagezi n'obukugu
- Zuula emikutu n'engeri ez'enjawulo mwosobola okugabanyiza n'okusaasaanya ebitabo by'oku yintanenti, ebivudde mu kunoonyereza n'ebyeyambisibwa ebirala ebiriku yintanenti nga byabwereere
- Teekawo etterekero nga liri ku nkola eya digito ery'okugabanirako ebiwandiiko ebyetaagisa ebyenjawulo
- Gabana n'abalala ebikwata ku bitongole by'empuliziganya ebyenjawulo
- Tendeka abalala ng'oyita ku mikutu gya yintanenti
- Tegeka emisono egitali ku yintanenti mu masomero n'amatendekero n'oluvannyuma ogabane n'abalala ebivuddeyo ng'oyita ku yintanenti
- Manyisa era oyigirize abantu ng'oyita mu gy'empuliziganya nya TV, Ladiyo n'empapula z'amawulire